

ALIPOOTA EWUMBAWUMBA EBYAVA MU KUMALAWO OBUTAKKANYA AGRI-VIE – 02/MUBENDE, YUGANDA OMWEZI OGW`OKUBIRI 2018

Alipoota eno efunza emitendera CAO gyeyayitmu mukugonjoola ensonga wamu n`ebava mu kwemulugunya kwa Agri-Vie-02/Mubende.

EBYAAFAAYO

Pulojekiti ya IFC

IFC ewa obuyambi buzinensi y`obwananyini eyitibwa Agri-Vie Agribusiness Fund n`ekigendererwa eky`okuleeta obwenkanya mu kuwa obuyambi mu kampuni z`obulimi mu maserengeta ne mu buva njuba bwa Africa.

Agri-Vie eteese ensimbi mu kampuni ya NFC nga eno ye kampuni ya Africa empya ekola ku by`okusimba ebibira ebipywa wamu n`okuddukannya ebibira ebibaddewo mu mawanga ga East Africa. NFC yaweebwa layisinsi okusimba emiti era n`okusiga ensimbi mu bibira mu mwaka gwa 2005 mu bibira bya Namwasa ne Mubende nga bino ebibira bya kakasibwa gavumenti nga ebibira ebiri mu Makati ga Yuganda.

Okwemulugunya

Mu mwezi gw`ekumi n`ebiri omwaka 2011 abantu abaakosebwa nga bano bakiikirirwa abakiise bana, Oxfam International, Oxfam Great Britain, wamu ne ULA baateekayo okwemulugunya eri CAO nga baakikirira abantu ababeera okwetoolola ebibira bya Mubende ne Namwasa.

Abeemulugunya baategeza nti abantu nkumi na nkumi baasenvulwa mu butali bwaze okuva mu ttaka lyabwe okusobola okusimba mu ebibira basobole okufuna mu emiti egitundibwa era kino kyaretera okwonoona ebintu bya bantu ebitali bimu okugeza okwonoona ebintu abantu byebaggyamu ensimbi wamu n`okudibaga eby`obulamu n`ebengigiriza. Abantu era Beemulugunya kunsonga ezenjawulo nga muno mwemuli kampuni ya IFC obuteebuza ku bantu abeekitundu ku

nsonga nga basenvulwa mu bitundu byabwe.

Okunoonyereza kwa CAO

CAO yasanga okwemulugunya kuno nga kusanidde mu mwezi gwa Janwari mu 2012 era n`ekola okunoonyereza okulaba nga efuna emitendera okugonjoola okwemulugunya nga ekolagana n`ebitongole ebyenjawulo ebivunaanyizibwako. CAO yakyala mu bitundu eby`akosebwa wamu n`abantu abakosebwa mu mwezi gw`okubiri n`ogwokusatu mu mwaka 2012.

Mukiseera ky`okunoonyereza, kampuni ya NFC wamu n`abeemulugunya balaga nti beetegefu okwenyigira mukugonjoola ensonga. Omulimu gw`okugonjoola ensonga nga gukulemberwa CAO gwatandika mu mwezi gwa kuna omwaka 2012. Emitendera gy`okugonjoola obutakkanya tegirimu kutwala nsonga ezaaletebwaa abeemulugunnya mu mateeka. Omulamwa omukulu ogw`emitendera gino kwali kumalawo obutakanya wakati w`enjuyi zombi nga bayita mu kutegeregana.

EMITENDERA EGYAYITWAMU MUKUGONJOLA ENSONGA

Okuzimba obw`esigwa

Enkungana ez`asooka okukubirizibwa CAO nga ziri wakati w`abemulugunya naabakikirira NFC zaali z`abunkenke. Kino kyekiseera ekyasooka abeemulugunya okutuula ko ku meeza emu nebakubaganya ebirowoozo ku mbeera ey`okukkanya. Okusinzira ku nkayana ezaaliwo wamu n`embeera eyalabikira mu mikutu gya mawulire, obwesigwa okuva mu buli njuuyi zonna

bwali butono era kyali tekiragibwa bulungi kyenkanaki buli luuyi ki kyerulina okufuna mu.

Abantu b`okukitundu baalaba nga baggya kusanga obuzibu mu kiseera ky`okutegeregana ne NFC kubanga tebaalina bumanyirivu mu kukkanya. Era wano CAO weyabayambira mumyezi egiwerako abaakikirira ebitundu ebyenjawulo okusobola okubabangula n`obukodyo obw`okuteesa. CAO era yawa aba NFC omusomo kunkola ya CAO ey`okumala wo obutakkanya.

Amateeka ga Uganda gaateeka akazito kwebyo NFC byeyali eteekedwa okukola. Naye okusinzira ku kukwatagana kw`enjuuyi zombi n`empisa ezayolesebwa wamu n`obwagazi bw`omulimu gunno okwo kwosa n`obuyambi okuva kwoyo eyayimirira wakati wenjuuyi zonna, basobola okutuuka ku makubo agaleetawo enzikirizigannya wakati w`enjuyi zombi era nga kino kyalaga obwagazi mumulimu guno okufuna amakubo ag`okumalawo obutakkanya.

Okunokolayo ebintu enjuuyi zombi byebagala bafune.

Kyali kyamugaso nnyo NFC okuwuliriza ku mbozi y`abantu wamu n`okutegeera ku biki byebayiseemu. Abantu bayagala NFC eteegere nti obulamu bwebaali bakoleredde nga bali mu bibira bwali busanyizidwa wo. Era abantu baafuna endowooza nti kati baali bavudde mu mbeera y`okuba n`ettaka nebafuuka ababundabunda ate nga bali mubwetaavu. Bategeeza nti baali bamannyi nti baalina okufuna okuliyirirwa wamu n`okutwalibwa mu bifo ebirala.

NFC yayisibwa bubi nnyo kwebyo ebyayisibwa mu mikutu gya mawulire byeyatwala nti tebyali bituufu. Balowooza nti gavumenti yali erina kukyetuuseeko kuky`okwegerezeganya n`abantu okuva mu bibira nga beeyagalidde. Guno omutendera gw`ekyeyagalire abantu okwabulira ettaka lya gavumenti kyakolebwa nga kyesigamidwa ku mateeka ga Uganda. Kampuninalaga nti yo teyeniyirako mu kusenvula. NFC yategeeza nti yawebwa liyisinsi okuva mu

gavumenti okusobola okukola emirimu gino era nga yali egikolera wansi wa mateeka nga yayitibwa gavumenti ya Uganda okuteeka ensimbi mu bibira, okuteekawo emirimu, okukulakulannya ekitundu, okumalawo obwatu mu kitundu wamu n`okuzawo ebibira ebyali bitemedwa nga kino baalina kukikola nga bakwataganye n`abantu b`okukitundu.

Wadde nga NFC yali emannyi nga teyalina buvunnanyizibwa eri ebitundu bino eby`emulugunnya, kulw`omulamwa gwa NFC ogw`okukulakulanya ebitudu ebyenjawulo, NFC yalina obuvunanyizibwa okuyamba mukumalaawo enkayana era n`okuleetawo enkolagana ennungi eri balirannwa bayo. NFC yeewayo okumalawo obutakanya wakati wa NFC n`abeemulugunnya ebinaava mu ebibala.

Okuteekateeka enjuyi zonna okusobola okwenyigira mu mirimu obulungi

Okulondoola n`okuwandiika abantu abaali bakosedwa wamu n`abo abaalina obubaka obwenjawulo kukumalawo enkayana zino kwakolebwa nga kuwomedwamu omutwe gavumenti z`omubitundu. Akabinja k`abantu abatono kalondeebwa okuva mu bantu abeemulugunya, nga kano akakiiko kaalina okukiikirira ebirowoozo by`abantu abaakosebwa era kaweebwa okusomesebwa okwenjawulo kubuvunnanyizibwa bwako wamu n`okuwanga abantu ebivudde mu nteseganya buli kiseera.

Kyatwala ebiseera biwanvu okusobola okuteekateeka abaakikirira abeemulugunya okusobola okutambulira awamu ne NFC. Okusomesebwa kuno kwalimu pulogulamu y`okusomesa eyatongozebwa wamu n`okwenyigira mu nkugana ezenjawulo wakati wabawuliriza ensonga z`enjuyi zombi n`abakikiridde abemulugunya nga byonna bigenderedwamu okugonjoola ensonga.

Enteseganya ku nsong

Nga wakayitawo emyezi egiwera nga enkungaana ezawamu ziwedde omwali okuggyayo ensonga wamu n`okubaga amateeka ensonga kwezinatambulira,

enteeseganya ku kwemulugunya z`atandika. Ensonga enkulu zasoosowazibwa era nga z`alina okussibwako essira n`okuziteesaako. Ensonga ezasoosowazibwa mwalimu zino wamanga

- Obuyinike ku mitima gya bantu
- Okulumya wamu n`okubatuusaako ebiwundi
- Okufiirwa amayumba, ettaka, ebisolo wamu n`ebyokukozesa mu bulamu
- Okwonoona kw`ebintu wamu n`okufiirwa ensimbi NFC byegamba nti byaleetebwa emikutu gya mawulire.
- okwagala okuzzawo, okuteeka abantu abayonoonebwa ebintu mu bifo ebirala wamu n`okubaliyirira
- Okussa ekitiibwa mu kampuni ya NFC n`okugiwa layisinsi egikiriza okukola emirimu egyenjawulo wamu n`okukuma ebintu wamu n`okukuma ebibira.

“....Twagobwa okuva mu ttaka lyaffe, netutwala omusango mu mbuga z`amateeka mu gavumenti, twagenda e Nakawa era nettusasula ensimbi mu kooti naye twagobwa okuva mu kooti nga ne kooti tenaba kusoma musango gwaffe, nagwa mu esuubi, nawulira nnyo essanyu. nawulira nnyo essanyu bwenalaba nga engeri gyetulondoola mu ensonga yengeri ennungamu mu kulondoola mu ku gonjoola ensonga era nga tebalina nakyekubira mu buli nsongya yonna era nga tusobola okuleeta ensonga era newulirwa, era senga ebadde NFC bandigiwuliza”

**William Bakesisha,
Affected community member and
Chairperson of the
MubendeBukakikamaCooperative
Society**

Nga abayimiriddewo okusiga ensimbi, twesanga nga tuli mu katu nga twebuuza kiki kyetulina okukolera gavumenti ya Yuganda nga ate bebabunnanyizibwa ku bikwata ku liyisinsi zaffe okukola emirimu egyengyawulo kyoka nga emikutu gya mawulire giraga nga gavumenti nga

yeesigamye ku mawulire okuva mu bibiina by`obwanakyewa yakola kinene nnyo okwonoona erinnya lya kampuni n`etuuka n`okugalawo emirimu gya kampuni ekyaviirako n`abantu nga enkumi bbiri (2000) okufiirwa emirimu gyabwe. Tusuubira nti emitendera gya CAO giggya kugonjoola ensonga kubuli luuyi lwonna era n`okuleetawo enkolagana ennungi mukitundu.

Alex Kyabawampi, omukulu wa kampuni ya CSR, NFC Yuganda

Enjuuyi z`akubaganya ebirowoozo ku nsonga enkulu nga ziyyita mu nkungana ennene mu bo bokka wamu nenkungana ezegatiramu abantu abenjawulo nga zikubirizibwa CAO. Oxfam nga eyita mu yafeesi yayo eya Yuganda yawayo ku buyambi abeemulugunya nga eyita mu mitendera gy`okugonjoola ensonga.

Okutuuka ku nzikiriziganya

Nga wakayitawo emyezi nga 18 mu kuteeseganya, enjuuyi zonna zakkanya kungeri enayitwamu okutuuka kunzikiriziganya. Mu mwezi gw`omusantu omwaka 2013, enkola eno yagaziyizibwa era neteekebwa ko omukono enjuuyi zonna okulaga enzikirizigannya eyenkomeredde. Endagaano eno erimu ebirowoozo by`enjuuyi zonna abemulugunnya wamu ne kampuni ya NFC



Okukubaganya ebirowoozo nga kutuuse ku mutendera gy`enzikiriziganya, mu mwezi gw`omusantu 2013.

Enjuuyi zombi zewaayo okukola pulogulamu eyawamu nga egenderedemu enkulakulana ey`omugundu. Enjuuyi zakkirizigannya nti abeemulugunya

basobola okuvaamu abantu abakola ekibiina kyenkulakulana mu kitundu era nga kino kisobola okuyimirirawo kulw`abantu abakosedwa mu kitundu. Ekibiina kino ekyenkulakulana kyafuna bannakibiina okuva masaza mu disitulikiti ya Mubende: *Bukuya, Kasanda, Kitumbi, Karwana* ne *Madudu*, era nga kino ekibiina kya tuumibwa Mubende Bukakikama Cooperative Society (ennukuta bbiri ezisooka ku buri saza). Okufuka omu ku kibiina, abantu baalina okulaga obukakafu nti baali babeera mu kibira kya Namwasa.

Ekibiina ky`obwegasi kino kyawandiisibwa era n`abantu abakiddukanya nebakiriziganya ku mateeka agakifuga / konsitusoni era kiddukanyizibwa okusinzira ku mateeka g`ebibiina by`obwegasi "Ugandan Cooperative Societies Act".

Ekibiina ky`obwegasi kino kirina abakifuga 9 gatako n`akiiko ak`okuntiko nga kano kalondebwa mu buli lukungaana lwekibiina olugalawo omwaka. Okugatako kukino waliwo obukiiko obutono nga buwerako muno nga mwemuli; akakiiko k`ettaka, akakiiko k`abakyala, akakiiko k`abavubuka, akakiiko akalondoola ensonga nga bwezitambula wamu n`okulondoola obwerufu.



Ekibiina ky`obwegasi nga kyaniriza bannakibiina mu lukungaana olukomekereza omwaka mu, 2016.

Enjuuyi zonna zakkanya ku bino okwongera ku bya kkanyizibwa ko mu lujjudde:

- NFC okuwa ekibiina ky`obwegasi obuyambi bw`ensimbi okugaziya enkulakulana kisobole okufuna ebyetago by`ekitundu. NFC ekiriza okukolagana n`ekibiina ky`obwegasi wamu nebannakibiina okusobola okuzimba enkolagana wamu n`okutumbula ebirungi mu kitundu.
- Abeemulugunya bakiriziganya okuteeka ekitiibwa mu mirimu gyi NFC nga bwegirambikidwa mu liyisinsi eyagiwebwa okukolera mu kibira kye Namwasa ate ne NFC wamu n`abemulugunnya bakirizigannya okukolera mu mateeka wamu n`okukolagana nabuli luuyi okusobola okuzimba ekibiina ekinabeera wo ekiseera ekiwanvu wamu nebaliranwa abalungi.
- Enjuuyi zonna zakkanya okukolagana awamu ku pulogulamu /enkulakulana nnyingi nga zigenderedemu okuleetawo okutumbula enkulakulana y`ekitundu enebeerawo ekiseera kyonna mu kitundu. akakiiko akawamu akenkulakulana kateekewba wo okusobola okutwala mu maaso ebirowoozo bya bantu buli ku mitendera gyonna.



Abantu wamu n`abakikirira kampuni nga bali mu kuteeka omukono ku kiwaandiiko ekyenkomeredde.

okulondoola ebikoledwa

mu myaka enna emirala (2013-2017), CAO yalondoola enjuuyi zonna eziteeka munkola ebyatesebwako mu ndagaano eyakolebwa.

Nga egimu ku mitendera gy`okulondoola emirimu, CAO yalonda CDC okukola

n`ekibiina ky`obwegasi ekya Mubende Cooperative n`ekigendererwa eky`okuteekawo pulojekiti ezivaamu ensimbi. Ono gwe balonda yali alina okuwa obukugu mumulimu gwonna ogw`okulondoola emirimu egikoleddwa. Ekibinja okuva ewa CAO nakyo kyeongera okutuukanga awakolebwa emirimu buli kiseera era n`okwebuuza ku njuyi zonna nga bwekisanira n`okulondoola emirimu nga bwegitambula.

Kunkomerero y`omwezi gw`omwenda omwaka 2017, CAO yategeka olukungaana olusembayo mu kitundu kya Kampindu nga muno mwalimu bannakibiina ky`obwegasi abasuka mu 1,000, abakulembeze ba NFC, abakungu ba gavumenti, abakikirira abantu abenjawulo abakwatibwako ensonga eno wamu n`abakulembeze b`ebyalo. Enjuuyi zonna zawa alipoota eri CAO ku byali bikoledwa era n`omutendera gwe batuuseeko era enjuuyi nezikakasa nti okwemulugunya kwabwe bali bakusoosowaziza okusinzira nga bwebaali bakiriziganya mu ndagano.

Enjuuyi zonna zakkanya nti abalala balaga obwagazi mu biseera by`okuteeka munkola ebyakkanyizibwako era nti nnebyo ebyateekewa mundagaano okukolebwa byali bituukirizibwa bulungi. Baakubagannya ebirowoozo kuki ekyangu ekirina okukolebwa okulaba nga enkolagana ennungi nga gyeboleseza mu kugonjoola ensonga ezino yeeyongera mu maaso.

EBYAVA MU KUKUBAGANYA EBIROWOOZO

Nga ebimu kubyava mundagaano eyakolebwa enjuuyi zombi, wamu n`emirimu egyaddirira eyakolebwa NFC, oyo akulira emirimu okuva ewa CAO akatambuza emirimu ka “Cooperative Development Coordinator” wamu n`ekibiina ky`obwegasi, bino wamanga byebari baakatuukako:

Okufuna ettaka kwebanasengukira n`okulimirako

Ekibiina ky`obwegasi kyasobola okugula eka 576 ez`ettaka okukolerako emirimu egenjawulo mu disitulikiti ya Mubende. Amaka 453 galondebwa akakiiko akateekebwawo okuteeka abantu abakosebwa mu bitundu ewalala webasobola okubeera mu mbeera ennungi, era nga bano balondebwa nga bebuuzidwako olukiiko olufuzi, era baatwalibwa mu ttaka erimanyidwa nga Kampindu.

Omukisa ogusooka gwalina okuweebwa ago amaka agaali mu bwetaavu ennyo okusinga amalala kubanga ekibiina ky`obwegasi tekyasobola kugula ttaka limala okusenzaako buli eyali mu kibiina. Abamu ku baalina okuweebwa ettaka tebasobola ku litwala kubanga baali bamaze okufuna ettaka ewalala. Abalala baasigala ku lukalala era nga balinda akakiiko bwekanamala okufuna ettaka ne balyoka baweebwa ettaka bona. Ekibiina ky`obwegasi kino ky`ongera mu maaso okunoonya amagezi ag`okufuna mu ensimbi era n`okufuna ettaka edala bayambe bannakibiina bona.

Buli maka gaafuna ka poloti akatonotono webasobola okuzimba amaka wamu ne eka emu webasobola okulimirako ebintu ebyenjawulo. Buli maka gaawebwa amagezi okuva mu kibiina ky`obwegasi okusooka okulima emmere eribwa ab`omumaka gaabwe era amangu ddala batandike okulima mu bungi okusobola okufuna byebatundako mu katale okufuna ensimbi. Mu myaka ena, ettaka kati lifuridwa eky`omuwendo muby`okulimira awatonotono.

Ekibiina ky`obwegasi kino kyadabiriza n`ekizimbe ekimu ekyali ku ttaka elyo lyebagula, era kati kino kikolanga offiisi y`ekibiina kino, era ekibiina kizimbye ekibangirize ky`eby`obusubuzi okuliko (yafeesi, sitowa, awatuuzibwa enkungaana ezenjawulo), edwaliro, wamu n`edwaliro ettono nga lino lyakukozesebwa bannakibiina wamu n`abokuitundu.



Ekibangirizi ky`ebiyobusubuzi wamu ne yafeesi z`abannakibiina ezizimbida ab`ekitundu.

Ebyenkulakulana byebateekateeka wamu ne pulojekiti ezivaamu ensimbi
 Nga bayita mu kibiina kyenkulakulana ekyatondebwa ekyawamu ekya "Joint Development Forum", ekyateekebwawa mundagaano eyakolebwa okutegeke ebinnakulakulanya ebitundu nga bikolebwa NFC, zino ze pulojekiti wamananga ezikoledwa:

- Embuzi 54 zaagulibwa era neziweebwa amaka agenjawulo kumulamwa ogugamba nti buli mwana gw`embuzi ogulina okuzaalibwa guweebwa amaka amalala. Leero embuzi 80 zigabidwa.
- Nayikondo 2 zaasimibwa era nezizimbibwa n`okuteekebwa ko ebyuma ebisika amazzi.
- Enkoko 300 zaagulwa era neziweebwa amaka agenjawulo.
- Oluguudo olugenda mu Kampindu lwalimwa era neludabirizibwa.
- Ekipango kyazimbibwa era ekyuma kimu ekikuba kasooli nekigulibwa nekiteekebwamu. Bannakibiina abenjawulo baawebwa emisomo egyenjawulo mu mukukanika wamu n`okuddabiriza ebyuma byakasooli



Ekyuma kya kasooli wansi wekigango mu Kampindu

bino wamu n`okukikozesa.

- Ekibinja ky`abakyala kyalondebwa era nekisomesebwa mukukola Amanda nga bakozesa kasasiro era ekyuma ekikola Amanda gano kyabaweebwa.
- Emizinga gy`enjuki 69 gyaweebwa abeekitundu okusobola okukolamu omubisi gwenjuki.
- Endokwa za payini wamu nendokwa z`akalitunsi 6000 zagabibwa okusobola okuzzawo emitii egali gisaanye wo n`okufuna mu ensimbi. Era NFC yatwala obuvunanyizibwa okubafunira akatale k`emitii egikuze.
- Ekizimbe ekirimu ebibiina bibiri abaana mwebasomera kyazimbibwa era nebyetaagisa mu somero nebitezeekebwamu okugeza; entebe ezikoledwa mu miti wamu n`ebyo byebakozesa mukusomesa.
- Tanka za mazzi biri wamu n`ebyagi bibiri okutereka ensigo byaweebwayo.



Maize silos and water tank at Kampindu.

- Edwaliro ly`ekitundu lyateekebwamu ebyetaago ebyenjawulo wamu n`edagala kuno saako n`omusawo. mu Kampindu.
- Ekidiba ekinene kya zimbibwa era nekiteekebwamu ebyenyaja (emputa n`engage) okusobola okutumbula pulojekiti y`okulima ebyenyanja.



Eddwaliro mu Kampindu



Ekidiba ky`ebyenyanja nga kirimu ebyenyanja e Kampindu

- Endokwa z`obutunda zaawebwa abeekitundu okusobola okusimba ennimiro y`obutunda.
- Ebizimbe by`essomero e Kitumbi ne Kalwana byatumbulwa era ne bidabirizibwa.
- Akasolya k`ekizimbe ky`esomero ly`abaana abato e Bukuya kadizibwako.

Okutumbula embeera n`okuzza obulamu bwabantu obuggyga

Nga tuyita munkolagana wakati wa NFC n`ekibiina ky`obwegasi, ebirungi bitukidwako mu **kutumbula embeera n`okuzza obulamu bwabantu obuggyga**

- Abeemulugunya baateekebwa ku ttaka era nga lino lili mumikono gy`ekibiina ky`obwegasi mu mateeka era kati wazewo ekitundu ekirina enkulakulana nga kikola ebintu ebyenjawulo. Mukutandikira mu nsisira ezazimbibwa n`ebintu eby`omutindo ogwa wansi nga zizimbidwa embaawo embi wamu n`ebitundubaali bannakibiina ky`obwegasi bazimbye amayumba amawangaazi nga bakozesa amatofaali ag`ebumba. Ettaka balitemyemu emyala okutangira ettaka edungi okukuluguka, basimbye mu ebimmera ebyenjawulo, basize ensimbi mu bintu ebireeta amagoba okumala ebbanga eddene, wamu n`okukungula emmere buli bbanga ly`amakungula okusobola okufuna emmere ey`okulya ate n`okutunda ko ebyo byebaba tebasobodde kulya.

- Ebibiina ebibudabuda abaana bitondedwa wo okusobola okubudabuda n`okukuma abaana nga bamaama wamu ne bataata baabwa bagenze okukola emirmu mu mattaka gaabwe ova okukola ne NFC. Esomero lya pulayimare ligenda mumaaso okukola emirimu gyalyo era lyafuna yo n`abaayizi abasomera omwo nebavaamu nebagenda ku mitendera emirala.

Ekibina ky`obwegasi kigenda mumaaso okukiikirira abantu nebyebeetaga mu kitundu. Bannakibina ekibiina kikolagana nabo munsonga ezitali zimu nga muno mulimu okuteekateeka wamu n`okubayamba **Okutumbula embeera n`okuzza obulamu bwabantu obuggyga**

- Nga ebizibu/okubonabona okwasooka kuwedde, abamu kubakulembaze b`okukitundu kati bakakasiza ekitundu ekipya era n`okuwa ekitundu kino obuyambi obuva mugavumenti nga ebitundu ebirala byebufuna mu disitulikiti.

“...wano wendi kati, mpulira okukyusibwa okw`amanyi ... tulina okwerabira ebikadde amaaso tugatunnulize ebipyra ...tukola ne kampuni kati okulaba nga buli muntu aabeera mu bulamu obulungi.”

Jane Bazirete, omumyuka wa sentebe mu kibiina

Ebitonotono mu mitendera gyonna

Okugoberera emitendera

Akakiiko ka CAO wamu n`enjuuyi zonna zaalina okukiriza ekyukakyuka mu nkola eyalambikibwa mu kukola emirimu nga kino kiva ku butakiriziganya mu bintu ebimu okuva ku njuuyi zombi, okutya ku byandivudde mu kubaganya ebirowooza kunsonga, wamu n`obutabeerawo bw`enkannya mukuteeka munkola ebirowoozo by`oluuyi olumu. Nga olukungaana olusooka luwedde omwali okubaga n`okukkanya kumateeka n`obukiiko obwenjawulo wamu n`okukkanya ku mitendera eginayitwamu mukugonjoola ensonga, enkugaana ezenjawulo zaakolebwa okusobola okugenda mu maaso. Enjuuyi zonna

bwezasooka okuteekebwa awamu mu lukugaana era nemu mitendera gyonna eg`okugonjoola ensonga abakiise batono abasisinkana. Abakiise bano baddayo nebawa bannabwe amawulire okusinzira kumulamwa okulaba nga abantu bona bakikirirwa ate era nga bafuna obubaka.

Emitendera gy`okugonjoola ensonga zino tegyandikoze singa buli birowoozo by`abantu tebyateekebwa munkola wamu n`okukyusa okusinzira kukiki abantu kyebaagala.

Omulimu gw`ebibiina by`obwanakyewa okuva mu gwanga wamu ne wabweru wa Yuganda

Engeri emitendera gyegyatandika mu yali ya bunkenke. Ebibiina by`obwanakyewa okuva mu gwanga wamu ne wabweru wegwanga byatandika okusaasanya amawulire ku mikutu egenjawulo nga binenya NFC kukyatuuka ku beemulugunya.

Oxfam wamu ne ekitongole ky`ettaka ekya Uganda Land Alliance byebyasooka okuyamba abantu okutwala okwemulugunnya kwabwe eri CAO, era n`okuyamba abeemulunya okubuuza ensonga ezitali zimu, okweteekateeka, wamu n`okuteeka wo obukiiko obubakiikira wamu n`okutuusa ensonga zaabwe ku meeza. Obuyambi obwaweebwayo ebibiina by`obwanakyewa nga muno mwe muli okubudabuda wamu n`ensimbi byayamba nnyo abakiise mukusobola okweyongera maaso okulondoola ensonga wamu n`okumalawo obutakkanya.

Omulimu gw`ebibiina eby`obwannakyewa abantu baagubuuusabuusa nti tegusobola kuvaamu bibala.

Emikutu gy`amawulire gyayongera kuleeta butesigangana era paka endagaano eyakolebwa bwe yagoba emikutu gy`amawulire okwenyigira mu nsonga zebaali bakkanya ko, NFC yali neteefuteefu okutandika okusisinka abantu wamu n`okuleetawo embeera emala wo obuttakkanya.

Okutuuka ku bibala bino yali mbeera yakwewaayo wamu n`omutima omulungi

ogwa NFC wamu n`abakiise okuva mu kitundu okunywerera ku mitendera egyakkanyizibwako okugobererwa mu kugonjoola ensonga mu mbeera ey`okusomoza.

ebirungi ebiri mu kuzimba enkolagana
 okusinzira ku beemulugunya, eky`okuyiga ekinene ekisinga mu mitendera gy`okugonjoola ensonga zino, yali nsonga nti baalina okuzimba n`okukuma enkolagana yabwe ne NFC okusinzira ku tteeka ly`okukola emirimu, byebasinga okwagala, wamu n`okussamu ekitiibwa. Ekiiliina ky`obwegasi wamu ne NFCbonna bakiriza nti balibeera balirwana ennaku zonna, era bona baganyirwe munkulakulana egenda mu maaso wamu n`okukuma ebibira bya NFC.

Okwejjukanya mu byasooka okukolebwa CAO nga bigenderedwamu okutangira

Mukwogerezeganya mu nenjuuyi zonna mu biseera nga bateekebwa mu bifo ebipywa wamu n`ebiseera nga bamaliriza okuteekebwa mu bifo ebibya, zaalina endowooza efaanagana ku kiki ekyalina okukolebwa okutangira embeera eyagwawo ku pulojekiti. Kino kyakwasaganyizibwa mu ngeri eno:

- Ebitundu ebyakosebwa wamu n`abo abali ku pulojekiti za IFC bandiyingidde mu nteseganya mu kiseera eky`okuteekateeka pulojekiti nga bino ebirowoozo bikwata ku mbeera z`abantu ne pulojekiti, wamu n`obutonde bwensi wamu nebirina okuteekebwa mu nkola okukendeza ebyendigudewo nga pulojekiti etandise. Okukola okunoonyereza ku bikwata ku butonde bwensi kuyamba omuntu okumanya ebizibu wamu n`okubisalira amagezi nga bukyali ku mutendera nga obuyambi tebunaba kuwerezebwa, nga tebanaba kukakasa nsimbi zewolebwa oba ku mutendera gw`okuteekateeka pulojekiti.
- Okugoberera ebirowoozo ebikwata ku buvunnanyizibwa kikulu nnyo era okigeragerannya n`okugoberera

amazima mu mbeera yonna. Lino etteeka likulu nnyo bwekituuka mu kuteeka munkola omulimu gwa IFC wamu n`obwagazi bwabo IFC beeyambye okwongera okutwala omulimu gwa IFC mumasaos n`okgoberera enkola y`emirimu mu IFC.

IFC ekoze enongosereza mu katabo kayo ku bikwata kukuteeka abantu mubifo ebirala abatntaganyizidwa okuva ku ttaka lyabwe era akatabo kano kalaga eby`okuyiga okuva mu kwemulugunnya okwenjawulo okugonjodwa CAO nga n`ogwa Mubende tegubuzemu. Akatabo kano kalaga n`ebizibu gavumenti byeyisemu mu kusenvula abantu abakosedwa okubateeka mu ttaka edala.

OKUWUMBAWUMBA

CAO ekomekereza okwennyigira mu mulimu guno era nga kiraga nti buli ekyateekebwa mundagaano eyakolebwa wakati wa NFC n`ekibiina ky`obwegasi. Era tewali kubuusabuusa nti abantu ba Mubende batandise Okutumbula embeera n`okuzza obulamu bwabantu obuggyia n`okufuna ebibala ebikwata ku bwananyi ttaka, balina enkwatagana nga bayita mu bukiiko bwebateekawo era balina enkolagana nene wakati wa NFC wamu ne gavumenti. Waliwo ebizibu bingi ebyolekedde mumasaos, okusingira dala ebikwata kukufuna amazzi amalungi, eby`okukozesa ku masomero, eby`okukozesa mu dwaliro wamu neby`obulamu ebitandikirwako. CAO ategizeza abawi bensimbi mu bitundu ebyenjawulo ku bizibu ebyo era nga waliwo essubi nti banakola ku bizibu ebyo mu bitundu bya Mubende. NFC wamu n`ekibiina ky`obwegasi bewaddeyo okutwala mu maaso enkolagana n`okunoonyeza enjuysi zonna byezagala okusinziira ku biki bye baagala. Era kino kiggya kuleetawo ekitundu ekirina enkulakulana eyanamadala.

NFC wamu n`abantu balesewo enkolagana eyamba buli luuyi era nga eno kati esobola okukola nga eky`okuyiga eri kampuni endala nga eraga ebirungi

ebiva mu kukolaganira awamu nga mutunnulidde ekirubirirwa kimu. CAO musanyufu nnyo olw`ebyava mu mu mitendera gyonna era eraga obwagazi wamu n`obumalirivu obwayolesebwa abantu wamu ne NFC mumitendera gyonna, ebyo senga tebyali wo tetwandituuse ku kino kyetwatuukako.